

CBM Uganda

Ab'oluganda mu Yesu Kristo

Ebikulu mu mazima ga Baibuli

Lwaki Yesu Kristo yalina okufa?

Ensomesa ya Baibuli ku kununulibwa.

Bw'onomala okusoma akatabo kano ojja kufuna okudiibwamu eri ebibuzo binno wansi.

1. Lwaki abantu bafa?

2. Lwaki Yesu yafa?

3. Kiki ky'ensaanye okukola ndyooke ndokolebwe mu kufa? Era kinno ky'esigamizibwa ku kufa kwa Yesu kitya?

Tulina okudda eri Omutonzi bwe tuba nga twagala okutegeera amazima agakwatu ku bulamu ne ku kufa. Katonda adamu ebibuzo byaffe ng'ayita mu kigambo kye - Baibuli.

1. Lwaki abantu bafa?

Adamu yatondeebwa nga "Mukama Katonda abumba omuntu n'enfuufu y'ensi, n'amufuuwamu mu nnyindo omukka ogw'obulamu; omuntu n'afuuka omukka omulamu" (Lub. 2: 7). Kaawa, eyafuuka muka Adamu, ye yatondeebwa nga "Mukama Katonda n'azimba olubirizi, lw'ajje mu muntu, okuba omukazi" (Lub. 2: 21, 22).

Okuva ku ntandiika, Mukama Katonda yawa omusajja n'omukazi "okwesalirawo". Nga basobola ku bibiri okusalawo okugondeera ebiragiro bya Katonda oba okubijjemera (okwonoona). Kyali kisoboka eri Katonda okukola Adamu ne Kaawa okuba nga bamugondeera. Naye kinno kyandiweeseza kitya Katonda ekitiibwa? Abazade bafe abo munsu munno basanyuka nnyo nga abaana babwe babawa ekitiibwa era nga babagondera. Era na bwekityo ne Katonda bwe yeyisa eri ffe, abaana Be. Ayagala kin'omu ffe abaana be okusalawo okumugondera kubanga tumwagala. Y'ensonga lwaki yawa Adamu ne Kaawa okuba nga besalirawo.

Nga amaze okubateeka mu lusuku Edeni, Katonda yabawa ebiragiro: "Buli muti ogw'omu lusuku olyangako nga bw'onooyagalanga: naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi togulyangako: kubanga olunaku lw'oligulyako tolirema kufa" (Lub. 2: 16, 17). Eky'enaku Kaawa yakemeebwa. Yanoga kubibala byagwo n'alya era n'awa era ne Adamu n'alya. Nebamenya ekiragiro kya Katonda. Tebaalwa nebasoma essomo: Katonda akuma ekigambo kye. Obujjeeme bwa Adamu bwa mutetera: "Mu ntuuyo ez'omumaaso go mw'onooliranga emmere, okutuusa lw'olidda mu ttaka, kubanga omwo mwe waggibwa; kubanga oli nfuufu ggwe, ne mu fuufu mw'olidda" (Lub. 3: 19).

Adamu yasalirwa oggw'okufa. Enno y'ensonga lwaki abantu bafa. Ng'abantu bonna bwe basibuka mu muntu omu, Adamu, twasikira embeera ye. Ffena tufa. Ekitufu kyenyini tukisoma mu bbaluwa ya Paulo eri Abarumi: "Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona" (Bar.5: 12).

"Empeera y'ekibi kwe kufu" (Bar. 6: 23); ate "bonna baayonoona ne batatuka ku kitiibwa kya Katonda" (Bar. 3: 23).

Kale Baibuli etosomes nti tetwasikira kufa kwoka okuva kwa Adamu, naye mu ngeri y'emu nga ye, twagyemera Katonda, twaayonoona kale ke kiba nti kutugwanira kutyo okubonerezebwa kwa Katonda.

2. Lwaki Yesu yafa?

Baibuli yo etosomes nti Katonda ye Katonda atajjulukuka era atukiriza ekigambo kye. Okufa kw'ajjira abantu bonna era buli lwe tuba munnyimbe tuba nga tuwa obujjuliirwa ku mazima ganno. Tewali kyonna kye tuyinza kukola kukyusa ekibonerezo ky'okufa kinno. Naye ng'ojjeko kinno, Katonda ye Katonda wa kisa, atayagala bantu kuzikiriira, naye ayagala babere nga bagabana ku bulamu obw'emirembe n'emirembe Naye mu bwa kabaka bwe. Bwali obulamu n'okufa kwa Yesu ekyasobozesa kinno. Bw'atyo Katonda yayagala ensi, n'okuwa nawa omwaana we omu yekka; yajja okununula abantu mu kibi, n'okufa.

Yesu yali mwaana wa Katonda naye maama we yali muntu - Malyaamu. Kale yasikira obulamu nga obwaffe okuva ku maama we ono. Yakemebwanga okwagala okujjemera Katonda. Naye olw'okuba

nti yali ng'ayagala nnyo kitaawe era ng'awa ekitiibwa ebigambo n'amateeka ga Katonda, teyayonoona era yafa nga tayonoonye, ye muntu omu eyasobola okukola kinno.

Adamu kye yamenya kyawonyezebwa okuwangula kwa Yesu eri ekibi n'okufa - Yesu yafa okulokola abantu mu bibi byabwe. Okwo kwe kwali okwagala kwa Yesu eri kitaawe, n'eri ffe, bweyewaayo nga sadaka. Yabonabona n'obulumu byakitalo ku musalaba. Yayagala okuwaayo obulamu bwe eri mikwano gye. Yali talina kibi.

Ebitundu bingi mu Baibuli ebikakasa binno:

1 Pet. 1: 18, 19 - "Mumanyi nga temwanunulibwa na bintu ebiggwaawo...wabula n'omusayi ogw'omuwendo omungi ogwa Yesu Kristo, omwaana gw'endiga ogutaliiko bulema newakubadde ebbala".

Abaebbulaniya 9: 26 - "Yesu yalabika omulundi gumu...okuggyawo ekibi olw'okwewaayo yennyini."

1 Peteero 3: 18 - "Kubanga ne Kristo yabonyaabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, omutukirivu olw'abatali batuukirivu atuleete eri Katonda."

1 Abasessaloniika 5: 10 - "Eyatufiirira ffe, Tulyoke tubeere abalamu naye".

Tekyewunyisa kubanga Katonda yagamba nti "Ono ye mwaana wange omwagalwa ennyo, ggwe nsanyukira, mumuwulirizenga" (Matayo 17: 5). Kinno kituyamba okutegeera lwaki Peteero yagamba nti "Tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola" (Bik. 4: 12).

Kubanga Yesu ye teyayonoona, teyasigala magombe. Katonda yamugyayo nate oluvanyuma lw'enaku ssatu n'amuwa obulamu obw'emirembe n'emirembe.

Obuwanguzi bwa Yesu eri ekibi n'okufa n'okuzukira mu bafu by'ebintu ebikulu ennyo mu byafaayo by'ensi. Katonda yatusubiza nti abo bonna abakiriza Yesu ng'omulokozi waabwe, era ne bagoberera engeri ye mu bulamu bwaabwe bayinza okugabana kubuwanguzi bunno nabo. Nabo balikyusibwa nebaweebwa emibiri egyitafa. Kino kiribereewo nga Yesu akomyewo okutekawo obwakabaka bwa kitaawe ku nsi.

3. Kiki kye nsanye okukola okulokoka?

Tusanye okwebaza Katonda mu sala nga tumusaba era nga tumutegeza nti tuli abonoonyi era abatosobola kwelokala ffeka. Nga yakatandiika emirimu gye - Yesu yayigiriza abayigirizwa be: "Balina omukisa abavu mu mwoyo, balisibira obwakabaka, bw'omuggulu (Mat. 5: 2). Okuba omwavu "mu mwoyo" kitegeeza okuba omugonvu, okutegeera nti twetaaga Katonda n'okusonyiwa kwe.

Awo nno twetaaga okumanya engeri Katonda gy'ayinza okutulokola mu bibi byafe ng'ayita mu mwaana we. Kinno kisoboka bw'oba nga osaba, osoma Baibuli era nga bw'olowoza ku by'osomye, ekigambo kya Katonda. Amagezi getufunamu galina okutukira ddala kuintobo ye mitima gyafe, olw'okutosobozesa okuba nga Yesu. Bwetukola binno, ekidako kubatizibwa mu maazi ng'akabonero akalaga nti mu butuufu tukiriza obulamu n'okufa nga y'engeri yokka gyetuyinza okulokoka. Yesu atubulira nti lino daala elyetagisa eri omugoberezi (omuyigirizwa) omutufu - (Mako 16: 16).

Ekisembeyo tulina okubera abayigiriza aba Yesu abamazima - era nga tugobereera empisa ze mu bulamu bwafe mu byonna byetukola.

Bwe tutukiriza ebintu binno byonna kale Yesu alitusanyukira mu bigambo binno nti:

"Mujje, mmwe kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi" (Matayo 25: 34).

Christadelphian Bible Mission (Uganda), 404 Shaftmoor Lane, Hall Green, Birmingham, B28 8SZ.

CBM Office (Uganda), PO Box 725, Jinja, Uganda.